# Eyabuze mu kisulo asattizza abazadde


Bya STUART YIGA

AB'ESSOMERO lya St. Savio Junior School, Kisubi mu ttawuni kkanso y'e Katabi mu disitulikiti y'e Wakiso, basattira olw'omuyizi waabwe owa P6 eyabuze kati wiiki talabikako.

Amyuka omwogezi wa'Poliisi mu Kampala n'emiriraano, Luke Owoyesigyire, yakakasizza okubula kwa Victor Katungi, atemera mu myala 11.

Okunoonyereza kulaga nti, Katungi yabula ku Lwokuna lwa wiiki ewedde, ku ssaawa ssatu n'ekitundu, okuva ku ssomero. Akatambi akaakwata ebyaliwo kalaga nti, omuyizi ono, yasooka kulabibwako ng'alina by'ayogera n'omusomesa we eyategeerekese nga Mangeni, oluvannyuma n'afuluma wabweru.

Waliwo akatambi akalala kalaga omuntu ng'awalampa ekikomera ky'essomero kyokka tekalaga bulungi muntu akalimu.



Katungi yabuze

Patrick Katungi, kitaawe w'omuyizi ono era nga mukozi mu Minisitule y'ensonga ez'omunda mu ggwanga, yategeezezza nti, newankubadde yabula ku ssaawa ssatu ez'ekiro, essomero lyamutegeeza ku ssaawa mukaaga nga wayiseewo kumpi essaawa ssatu.

Yagguddewo omusango ku Poliisi y'e Kisubi ku ffayiro nnamba SD:12/24/04/2026, n'akola ne sitetimenti wamu n'omusomesa Mangeni eyalabikidde mu katambi akamu ng'ayogera n'omuyizi ono.